**07th April 2019.**

# OKUKKA KW'OMULIRO GW'EKITIIBWA KYA MUKAMA.

**Eby'Abaleevi 9.**

Oluvannyuma lw'okubaawo kw'okwaawulwa kwa bakabona okwaamala ennaku musanvu nga bwe twaasomesebwa omulundi ogwaggwa ku lunaku lwa Mukama, nga bwe byawandiikibwa mu Baeb. 5:1-3… "Buli Kabona Asinga Obukulu alondebwa mu bantu n'ateekebwaawo okuweereza Katonda ku lwabwe, alyoke awengayo ebirabo n'essaddaaka olw'ebibi byabwe. Asobola okukwata empola abantu abatamanyi era n'abo abakyama, kubanga naye yennyini muntu eyeetooloddwa obunafu. Olw'obunafu obwo, kimugwanira okuwangayo ssaddaaka ku lulwe yennyini ne ku lw'abantu."
Tusoma leero bwe gwaali bwe butyo eri Alooni, [Tusome nny. 1-22]

Alooni ne batabani be bawaayo ebiweebwaayo nga bwe baalagirwa Mukama okuyita mu Musa, ng'ekikulu kye tubalabirako bwe bwaali obweetaavu bw'okusooka okutuukirizibwa eri Mukama ekibi kyaabwe kitangirirwe, olwo n'eky'ekibiina kyonna, kubanga ekibi mu ffe kye kikugira okubeerawo kwa Mukama mu massekkati gaffe awamu n'okkola kwe mu ffe, nga bwe kyawandiikibwa mu Isaaya 59:1-3…. "Mulabe, omukono gwa Mukama teguyimpawadde n'okuyinza ne gutayinza kulokola, era si muzibe wa matu nti tawulira. Naye obutali butuukirivu bwammwe bwe bubaawudde ku Katonda wammwe. Ebibi byammwe bye bimukwesezza amaaso ge, n'atawulira. Kubanga emikono gyammwe gibunye omusaayi n'engalo zammwe zibunye obutali butuukirivu, emimwa gyammwe gyogedde eby'obulimba, n'ennimi zammwe z'ogedde eby'ekko."

Era ng'omutume Paulo bwe yakalaatirira Timoseewo mu I Tim. 4:16, nti "Weekuumenga mu mpisa zo, ne mu by'oyigiriza era obinywerereko. Bw'onookola bw'otyo olyerokola ggwe wennyini, era n'abo abakuwulira."
Omu yagamba nti "Omukono ogulongoosa nagwo kigugwaanira okuba omulongoofu, okutuukiriza omugaso gwagwo."
Okuba nti Mukama yawandiisa Musa entambuza y'omukolo guno gwonna nga bwe kyaali kiraga okufaayo kwe eri buli kamu eri obulamu bwaffe,( every detail).

Mu nny. 22, ne 23, mwe tujja omulamwa gw'omusomo gwaafe leero, tusoma nti…

Mu kusiima byonna, omuliro gw'ekitiibwa kya Mukama gwakka ku Kyoto ne gumalirawo ddala ekiweebwaayo, okkakasa okusiima kwe, n'okutongoza ekyoto kye mu Isirayiri.
Bwe tujjukira mu ssuula 6:13 twaakikkaatirizibwa nti "Omuliro gunaasigalanga gwaka ku kyoto ebbanga lyonna; teguuzikirenga."

Era okweefaananyiriza bwe gwaali ne mu ;- Abel (Gen_4:4), Gideon (Jdg_6:21), Manoah (Jdg_13:19-23), David (1Ch_21:28), Solomon (2Ch_7:1), Elijah (1Ki_18:38). Bwe kyaali ne ku luno.

Kyokka olw'okuba kitubuulirwa ne mu Deut 4:24 ekiddwaamu mu Baeb 12:29 nti "Kubanga ddala, "Katonda waffe, gwe muliro ogwokya."
Ate ne Yokaana yagamba mu Matayo 3:11 nti "Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku kwenenya, naye waliwo omulala ajja, oyo ye ansinga amaanyi era sisaanira na kukwata ngatto ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo Mutukuvu n'omuliro." Ne Yesu kkennyini yagamba mu Lukka 12:49 nti yajja kuleeta muliro ku nsi era kyandibadde kirungi singa gukoledde.

Ku lunaku lwa Pentekoote Omuliro gw'Omwoyo wa Mukama gwakka ku bayigirizwa be, ne kiba nti kigugwaanidde ffenna okweyongera obweyongezi okkoleera mu ffe, naye ekyaakabi nti entakera tuguzikiza.
Paulo ky'ava agamba nti "temuzikizanga Mwoyo Mutukuvu," I Abasses. 5:19.
N'olw'ekyo twezzeemu okkoleera kw'omuliro gwa Mukama, ekitiibwa kye kitweyongere bweyongezi, kubanga kye kisobozesa enjawulo mu bulamu bwaffe.
[You do not advertise a fire, and it never leaves where it's been the same.]